| Essomo 3 | الدرس الثالث |
|---|---|

## N’omuteeko ogwokusatu kwekwawula Allah mu mannyage nebitendobye:

Nga n’ogwo kukukkiriza ekyo kyonna kyeyeyita Allah mu mannyage oba kyeyetenda nakyo mubitendo oba elinga lyeyamuyita omubaka SAW obe ekitendo kyeyamutenda nakyo SAW era nga bino tubimukakasako mungeri emweyawuliddeko yekka era ewatali kufanana ngeri gyebikolamu wadde okubifananya n’ebyo ebitonde mungeri ekakasiza ddala etali yakubuzabuza.
Amakulu ga Taharifu – okukyusa – kwekukyusa amakulu gekitendo amakulu agamanyiddwa kungulu ewatali bujulizi ate Ta-twilu, kwekujjilawo ddala ekitendo n’okigaana oba okugaana ebimu kubyo. Era omubaka SAW ekyo kyatatusomesa mubyo nakukikakasa ku Allah oba kukigaana ekyo tulina naffe okubaako wetukoma kukyo.

## Ebyokukulabirako bya mannya ga Allah amalungi:

Allah yetuuma Aliyya Li Qayyum, kitegeeza nti kyatteeka gyetuli okukkiriza nti Allah ye Ali Hayya era nti ago manya mu mannya ga Allah. Era okukkiriza  amakulu galyo nti Allah ye mulamu owolubeerera ataakulembelwa butabaawo ate ategenda era kusaanawo.
Allah yetuuma Asamii-u – era naffe tulina okukkiriza nti Samii-u linnya mu mannya ga Allah era nti mulinnya elyo Asamii-u mwemuva ekitendo ekyokuwulira kuba litegeeza nti awulira Allah.